


OKUKYUSA OMUNTU ALI KU NDIRI, N'OKUKYUSA ESSUUKA Z'OKUBULIRI

Olupapula oluliko Ebyokusomesa abantu


1

- Naaba engalo zo. Singa essuuka zibaako obukyafu, yambala giraavu oba aekintu ekya pulaasitiika.
- Teeka omukono gwe kumpi n'omutwe gwe ate omulala ogusse ku kifuba kye.
- Gombesa amagulu ge.



2

- Teeka omukono gwe ku kibegabega omulala oguteeke ku bisambi.
- Mukyuse mpolampola nga bw'omusindika ku luuyi lw'ekitanda olulala gy'otali.




3

- Sika essuuka esooka wansi ku ludda olukuliraanye.

akapiira akeeyalirwa akakyafu

bikka omulwadde

essuuka eya ppamba enkyafu



essuuka esemba wansi enkyafu

essuuka eya ppamba enkyafu

- Zingako akapiira n'essuuka kimu ku kimu nga bw'ozza gy'ali.
- Siimuula obukyafu obuli ku mufaliso nga weeyambisa jiiki n'amazzi.

omufaliso ogutaliiko kantu konna (omwambule)

akapiira akeeyalirwa akakyafu


essuuka esooka wansi enkyafu



THE REPUBLIC OF UGANDA
Ministry of Health

4

- Teekako essuuka erina okusemba wansi ng'etukula.
- Gyanjuluze ng'ogizza oludda okuli omulwadde era ogifundikire mu mufaliso.
- Singa ogenda kussaawo akapiira, kikole mu ngeri yeemu nga waggulu. Laba ng'okateeka w'anaateeka akabina n'ebisambi.
- Akapiira kateekeko essuuka nga ya ppamba. Yita mu mitendera gye gimu nga bwe giragiddwa waggulu.



5

- Kyuka odde ku ludda lw'ekitanda olulala. Ddamu emitendera 1 ne 2 omusindike mpola ku ssuuka etukula gy'ossizzaako.
- Kati essuuka ezikyafuwadde zizingeko oziggyeko ku buliri emu ku emu.
- Singa aba nga mukyafu, mulongoose. Kozesa giraavu. Oluvannyuma naaba engalo ne ssabbuuni.



6

- Tereeza essuuka n'akapiira era obifundikire wansi w'omufaliso.

